**11th August 2019.**

## ESSAALA EGWANA OKUSABIRANGA EKKANISA.

**Abakkolosaayi 1:9-10.**

Amakya ga leero tweyongera okusomesebwa okuva mu kitabo ekikyaali ekijja mu misomo gyaffe egy'okulunaku lwa Mukama, kye neebaza ennyo Musumba Charles okutandika n'ennyajula awamu n'omulamwa gwa ssabbiiti ewedde.
Ekitundu kye tunaabaamu n'okusomesebwa kwaffe amakya ga leero kiyungirwa kw'ekyo ekyasomesebwaako omulundi oguwedde, nga bwe kitandikwa n'ekigambo "N'olw'ekyo"……
Tusome…..nny 9 – 10.

Wagambira 'n'olw'ekyo', kwe kuwa ensonga mwe baafunanga okusikirizibwanga okusabira ab'oluganda e Kkolose… Olw'okuba mu nnyiriri 4,5,6 ne 8, Paulo yali agambye nga bwe twaalaba nti baali "Baawulira okukkiriza kwe baalina mu Kristo Yesu, n'okwagala kwe baalina eri abantu ba Katonda bonna, abatukuvu, olw'essuubi eryabategekerwa mu ggulu, lye bawulirako mu kigambo eky'amazima, ye Enjiri. Nti Enjiri yajja gye bali, era ebunye mu nsi yonna ng'ebala ebibala era nga yeeyongera okukula. Okuviira ddala lwe basooka okugiwulira, ne bategeerera ddala amazima agali mu kisa kya Katonda, Enjiri ebadde yeeyongera okubuna mu bbo. Awamu n'okwagala kwe baalina mu Mwoyo.
Ezo z'embala z'ekkanisa ya Yesu Kristo eri ku mulamwa g'obulokozi obwannamaddala. Ekyo nga kye kyeyongeranga okubazzaamu amaanyi mu buweereza bwaabwe ne kibasikiriza okubasabiranga entakera.

Baabasabiranga okujjuzibwa okumanya Katonda by'ayagala mu magezi gonna ne mu kutegeera okw'omwoyo.
Ekikulu ennyo kubanga okumanya n'okutegeera biwa okukkiriza omusingi omugumu.
Omutume Peetero yakyogera mu II Pet. 1:2 "ekisa n'emirembe byeyongerenga mu mmwe nga mutegeera Katonda ne Yesu Mukama waffe."
Nate ebbaluwa agikomekkereza agamba mu II Pet. 3:17-18 "Kale, mmwe abaagalwa, ebyo nga bwe mubitegedde, mwekuume muleme kukyamizibwa

abantu abo abajeemu, si kulwa nga babaleetera okugwa ne muva we munyweredde.
Mweyongere okukula mu kisa ne mu kutegeera Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo. Oyo aweebwenga ekitiibwa kaakano n'emirembe gyonna. Amiina."
N'olw'ekyo, kikulu nnyo okusabiragananga okujjuzibwa okumanya Katonda by'ayagala mu magezi gonna ne mu kutegeera okw'omwoyo……